## BANOONYA EYAFUMISE BBA EKISO E BUSEGA

POLIISI eyigga omukazi agambibwa okufumita bba ekiso, n'amuleka ng'ataawa, n'abulawo. Bibadde Busega mu munisipaali y'e Lubaga mu Kampala, omusajja ow'emyaka 29 ng'akola gwa kunoonya butale mu kkampuni ya Double Q Sinotruck, bwe yafumitiddwa ebiso ku mutwe ne bamuleka mu kitaba ky'omusaayi. Kigambibwa nti bano bombi, bamaze emyaka 2 mu bufumbo nga balina n'omwana ow'emyezi omwenda nga naye, omukazi yamusuddewo nga Jan 01 n'abulawo.

Omwogezi wa poliisi mu Kampala Racheal Kawala, agambye nti omukazi ono, ategeerekeseeko erya Joy, yadduse era bamuyigga.